**15th May 2016.**

# EKIBI MU BATUUKIRIVU BA MUKAMA.

**Lubereberye 9:18 – 29.**

Osanga kyandisinze, Baibuli obutabaamu ngero ng'olutugererwa leero, era nga bwe tuneeyongera okulaba enfunda eziwerako mu kitabo kyaffe kino eky'olubereberye, naye amazima gaba mazima oba ga wooma oba gakaawa, tulina gafuna nga bwe gali.
Ng'ebiro by'amataba biyise (tetubuulirwa banga ki), obulamu bweyongedde okutebenkera, nga bwe twaasomesebwa oguwedde, nkiwa ng'ebyaava mu ndagaano ya Mukama Katonda eri Nuuwa ne batabani be, okubabaza, okubagabirira, n'okubakuuma bibeeyongera nga bwe twaanikiyise 'omukisa', kyaavaayo bulungi mu lugero luno, nti ku lyaato waggulu w'amataba ekibi kyaseeyeeyeza wamu n'abaana b'abantu, wadde Mukama yali kubakana na ddimu lya kuzza buggya nsi n'ebitonde byonna ebyagiliko, olw'ekiruyi kye eri embala z'ekibi ezaali ku nsi mu biro bya Nuuwa.
Na bwegutyo, ekyabalukawo mu nju ya Nuuwa, okwefaanaanyirizaako ne bwe gwaali mu biro bya Adamu, obuteegendereza, bwaleetera okwoonoona n'obwereere okuleetesa ebikolimo eri abantu.
[*Tusome nny.18 – 29*]

Ebibi oba okwoonoona kwa mirundi esatu kwe tulina okweetegereza mu nnyiriri zino;
**1. Obutamiivu.(Drunkenness).** Tetumanyi oba Nuuwa yagenderera okunywa n'atamiira, naye ekikulu kiri nti yawoomerwa nnyo omwenge gwe yaggya mu mizzabbiibu gye n'atamiira. Era ky'eky'okulabirako ekisooka ekituweebwa mu Baibuli kw'ekyo ekigivumisa ennyo ku kunywa omwenge n'otamiira, ate nga bwe twaalaba wagguluko, ye yali omulungi era abalwa ng'omutuukirivu eyatambulanga ne Mukama mu buwulize era ey'etoowazanga gyaali n'amusinzanga ne ssaddaaka ezaasanyusa nnyo Mukama. Ku bingi ennyo ebitulabula ku mwenge na ddala mu ngero za Sulemaani, Mu Ngero 20:1, tugambwa nti "Omwenge mukudaazi, ekitamiiza muleekaanyi; Era buli akyama olw'ebyo talina magezi."

Ne mu 23:20,21 tugambwa nti "Tobanga ku muwendo gw'abo abeekamirira omwenge; Mu abo abeevuubiika ennyama:Kubanga omutamiivu n'omuluvu balituuka mu bwavu n'okubongoota kunaayambazanga omuntu enziina."
Yali Yesu kkennyini(gwe batera okuwaayiriza okuguweesa ebbeetu mu Kaana) eyagamba mu Lukka 21:34 nti "Naye mwekuumenga emitima gyammwe gireme okuzitoowererwanga olw'obuluvu n'okutamiiranga n'okweraliikiriranga eby'obulamu buno, era olunaku luli luleme okubatuukako ng'ekyambika." Olw'obufunze bw'obudde nga tetuggyeeyo entakera Paulo Omutume gye yalabulanga kanaaluzaala w'omwenge.

**2. Okukabaawaza.(Immodesty).** Kuno kwe kweyambula, okwoolesa obweerere bw'emibiri gyaffe, ekiviiramu obukaba n'ebibi byonna oba obw'oonoonefu bwonna obugenderako. Kino kitera nnyo oggendera awamu n'eky'obutamiivu, naye mu biro bino Sitaani akola nnyo okulaba nti abantu bakabawala, olw'obuteegendereza obuleetwa obulimba bwe obw'engeri nnyingi nnyo. Nasanze olunyiriri oluyitirivu ku kino mu Kaabakuuku 2:15,16 nti "Zimusanze oyo awa munne eby'okunywa, n'oyongerako n'obutwa bwo, n'okutamiiza n'omutamiiza olyoke otunuulire ensonyi zaabwe! Ojjudde ensonyi awaabanga ekitiibwa: naawe nywa, obeere ng'atali mukomole: ekikompe eky'omu mukono gwa Mukama ogwa ddyo kirikyusibwa eri ggwe, n'ensonyi ez'obuwemu ziriba ku kitiibwa kyo." Kukungubaga 4:21 nalwo lulabula ky'ekimu.
Mukama ng'embala y'ekibi etuyingiridde ng'abantu yassaawo engoye zambalwe, ssi tuwonya buswaavu bwokka wabula n'okutukuuma ng'atuwa enkomera ekibi obutatuyinza. Era tulaba nti mw'ebyo ebyaleetera batabani ba Kaamu abakanaani okuzikirizibwa Mukama bwe bwaali obukaba obuyitirivu ennyo, nti baaloowoza n'okusinzanga bakatonda abalala n'obugweebyufu bw'obukaba!

**3. Obutassa Kitiibwa mu Bazadde. (Dishonouring Parents).** Embeera ya Nuuwa, mutabani we yamuleetera obutamussaamu kitiibwa n'amuweebula n'eri ne baganda be. Mu kino Kaamu yamenya etteeka ely'okutaano ku mateeka ga Mukama, mu Kuva 20:12 "Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa: enaku zo zibe nnyingi ku nsi gy'akuwadde Mukama Katonda wo." Ne bwe tukula tutya, etteeka lisigala tteeka, ate ne Abaefeso 6:1,2 zigamba nti "Abaana abato, muwulirenga abazadde bammwe mu Mukama waffe: kubanga kino kye

kirungi. Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko (lye tteeka ery'olubereberye eririmu okusuubiza).” [Era nkiwa kwe kutegeka kwa Mukama obubaka buno otuggira mu luwummula!]

Ebyakiviiramu nga bwe twaalabye, kwe kukolimirwa, ate nga bwe guli, okusalwaako kw’obulamu kwonna kuggira mu bikolimo gyetuli, ssi ebyo ebiva eri bazadde baffe naye byonna ebituggira olw’obujeemu eri Mukama Katonda Kitaffe.

Olw’obudde, nsaba tugende n’ebikulu bisatu ku musomo gwaffe, ssi nti ebirala tubyeelabire, naye mukweetegereza;

1.Embeera bwe ziba zitugendera bulungi, lwe tulina okuba n’obwegendereza obungiko ssi kulwa nga tuwangulwa mu kwagala kwa Mukama kwe tuba tuyingiziddwaamu. Bwe tuba mu miyaga gy’obulamu (trials) tutera okonoonya ennyo Mukama, naye ebitaala bwe bituta, omusana ne gutuviirayo, ng’abali mu summer, tutera kutwaalirizibwa masanyu gokka. Abaefeso 5:15 -21 kye zigamba nti “Kale mutunule nnyo bwe mutambulanga, si ng'abatalina magezi, naye ng'abalina amagezi; nga mweguliranga ebbanga, kubanga ennaku zino mbi. Kale temubeeranga basirusiru, naye mutegeerenga Mukama waffe ky'ayagala bwe kiri. So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo; nga mwogeragananga mu zabbuli n'ennyimba n'ebiyiiye eby'Omwoyo, nga muyimbanga, nga mumukubiranga ennanga mu mutima gwammwe Mukama waffe, nga mwebazanga ennaku zonna olwa byonna Katonda Kitaffe mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo;nga muwuliragananga mu kutya Kristo.

2. Tulina okkimanya nti empeera z’ekibi, ebiva mu kwoonoona kwaffe, bibazibwa mu bangi okusinga ko ku ffe kennyini, ate n’okusinga bwe tuyinza okuteebereza..
[Ebituusibwa ku baana, abeŋŋanda, abako n’emikwaano, n’emirembe egiddako!].

3. Tekitugwaanidde n’akamu kw’olesa bweerere bwaffe naye okusingawo, n’obwabalala, nga mu kino mw’otwaalidde obuswaavu bw’empisa zaabwe, okw’olesebwa oba okubuulirwa abalala. Okwebikka n’okubikka abalala kituleetera awamu n’abalala obukuumi. Wadde waliwo okubuulirirwa mu kwagala n’obweetowaze ebitugwaanidde era, mu magezi tulina okubikolanga nga bwekigwaanidde. Mukama abitusobozese byonna…….